# Qeustions For Our Land Issue( CentralGovGuests)

Posted by omumbejja - 2008/01/03 07:56

---

Tusanyuse okuba naffe wano

BINO BYE BIBUUZO EBYA KAKIIKO AKAVA MU CENTRAL GOVERNMENT

1. Lwaaki kitwalidde goverment ebbanga lino lyonna lyemaze mu buyinza okusalawo okuyamba abantu begamba nti banyigirizibwa naddala nga wazeewo abalaalo abatayaaya yonna gyebagala nga bagenda besenza wonna webagadde mubungi nogattako namagana gaabwe amanene nga naye goverment tebafaako .

2.Buli nsi erina amateeka agakwaata abayingira munsi yaabwe lwaaki eyaffe yanjawulo ku bagwiira na balaalo abayingira mukirindi ngabaleeta nente nga nezimu endwadde nga tebalina nalukusa lwonna wadde empapula ezibakkiriza okuyingira, kyokka nebagenda yonna muggwanga gyebagala nebatandika okuwamba ettaka lya bantu okugeza nge Kiboga Mpigi nawalala wonna gyebakubaganye neba nnansangwaawo.

3. Lwaaki amateeka ge ttaka galetebwa mu Buganda mwokka nga ate Buganda kuva dda ebadde eyaniriza buli musenze awatali ntalo nga kati ezibaluseewo ate nga abazileeta beebo abazze okusenga mu Buganda

4.Buganda yawambibwaako ebintu bye nga kwotwalidde nebintu ngamakolero nebizimbe government byekozesa naye tebisasula Buganda nga bweteekwa, okwo gattako nettaka lyaayo nga nelimu eritunda nga temaze wadde okwebuuza kunnyini lyo Buganda . Lwaaki Buganda erina kuteesa okuddizibwa ebintu byaayo nga abayindi abajja obuzzi ebyaabye byabawerebwaawo.

5. Emisango gyonna egiziddwa abalaalo nabamagye ngabalumbagana abantu abatudde entende kuttaka lyaabwe nebagenda nebabatataganya lwaaki teli noomu yali akwatibbwaako kubikolobero ebyo nga abantu baffe Abaganda bogera bwogezi bibaluma nemubayingiza mubudukulu okugeza nga mukyaala Nambooze nga kyaali nakawere nabalala bangi abakwatiddwa nga naye bogedde bwogezi tebalina gwebatusizaako buvune bwonna.

==========